EMPIZA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/14 20:59

Okubuuza abantu nokubaagaliza ekiro ekirungi zezimu kumpiza enungi zetutazanye kwerabira.
kale no bwentyo mbalamusiza mwena mikwano jange mu Connect mbebaza okuyita mujaleero ate mwe banaffe abagitandika obutandisi mbagaliza olunaku olulungi. Abali munsi enjuba jeegolobye musule bulungi.

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/15 07:35

Mwasuze mutyano mikwano jange mu Connect..... bwakedde bulungi? Ekiro kyakulibye kyi gwe munange eyo?
Nze byekyanibye etaka tono. Era kamale okufuna kyenziza eri omumwa njakuda mbanyumize.....
olunaku olulungi oba ekiro ekirungi eri mwe abagenda okwebaka:kiss:

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by jameerah - 2008/08/15 14:05

Nze nasuze bulungi Bennita mpozi naloose omusezi!

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/15 18:28

---

jameerah wrote:
Nze nasuze bulungi Bennita mpozi naloose omusezi!

banange Jameerah tewatidde nyo? Omusezi yabade akola kyi? mbulirako osanga nga nakubulira ekirooto kyekyabadde kitegeeza.

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/16 09:18

Abemikwano mu connect bwakedde? obwange ndowoza nabwo bujja kukya.
mwami Kamukujje kajambo.....nkulengede awo ssebo...naye kyesimanyi oba Kamukujje abeera mwani oba mukyala oba byombi oba kibeera kitiibwa. Awo nandisabye ontangaazeemu.

Abagolokose, olunaku olulungi era nabagenda mu kikunta ekiro ekilungi.

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by Alysha - 2008/08/16 15:51

---

bennita nze nasuze bulungidala naye olwobukowu obunji sijukira kuloota mukiro, naye enkuba yatonye nnyo enno ewaffe naye mukama abukeseza natte kale mbalamusiza mwenna ate ne ka weekenda akanyuvu tusisinkane ate ku sanyu lya connect ku Family show mbagala nnyo kangira mpakasa.color]b]bennita wrote:
Mwasuze mutyano mikwano jange mu Connect..... bwakedde bulungi? Ekiro kyakulibye kyi gwe munange eyo?
Nze byekyanibye etaka tono. Era kamale okufuna kyenziza eri omumwa njakuda mbanyumize.....
olunaku olulungi oba ekiro ekirungi eri mwe abagenda okwebaka:kiss:

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/18 19:56

Bamulirwanwa bwakedde? naffe eno bulabika bwakedde... naye byo ebirooto byaleero binsobedde nti bibadde matankane..... bibadde byegatika nebine wabyo..obweda ndaba tutuse eLax naye nga ate ebipadde byogera lu Japan.. ate nga bwe ndaba abantu abampa microphone nga nze mbadamu tineda njakulya lumode simalya matooke bwetyono ebilooto nebinsobera.. naye banage mwe abalina byemuloose namwe mumbulireko..Kale abagenda mukikunta atakumira mpeera abankumiire.

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by ssewa - 2008/08/18 20:12

Ziba mpisa nungi okwekweka bano abannga lino lyona????????

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/19 16:32

---

ssewa wrote:
Ziba mpisa nungi okwekweka bano abannga lino lyona????????

ekyono kibanga okuzanya TEPO naye nga eyabaze abalina kukukwekula mukwano gwo Nyo nga akwagala BITOLE, abe amanyi wewekweese era nga akukubako nekuluuso naye bambi nga tayagala kukukwekula nga alinda amale okukwekula abalala gwe akuwe akagoba..... Era tulikumpi kuwulira nti abeyo KAGOBAKAMWE.

==========

Re:EMPIZA ENUNGI
Posted by ssewa - 2008/08/19 18:47

---

kale Tepo vayo gyewekwese

==========

Re:EMPIZA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/20 07:29

---

ssewa wrote:
kale Tepo vayo gyewekwese

owange Ssewa wandiba nga tewazanya TEPO, kubanga bwoba omuntu omulabye nga era toyagala kumuwakagoba awo ogamba nti Gwe Nampewo nkulabye awo mukiswa tepo, olwo abazanyi bwona nebamanya nyi omulabye kubanga mbo jukira nti baba bamanyi wa weyekwese. Naye bwaba nga ayagala kumuwa kagoba olwensongazo nga ogamba nti Nampewo Kagombako

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/20 17:34

Abemikwamo mu connect nga nze era... nsaba nobuwombefu mbabuzeeko nti mwasuze mutya? Eno naffe twabukeseza, kale mbagaliza olunaku olulungi era namwe abagenda okwebaka mbagaliza ekiro ekirungi era nebiloto ebilungi dala.

==========

Re:EMPIZA ENUNGI
Posted by ssewa - 2008/08/20 17:36

Bennita kagobako vaayo gyewekwese

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/21 10:36

Abemikwano mu connect omukama akyakuumye? ye emirimugigengenze gitya? kale abavuddeyo mukulikeeyo ate namwe abagenda okutandi mbagaliza olunaku olulungi. Abazadde abatandise okwebakiliza ezadde temwerabira okubayimbiramu akayimba kano.

OBUDDE BUZIIBYE ENJUBA EGEENZE
ENZIKIZA EKWATA MUBANGA ELYE'NSI
BULI NSOLO YO..NA ERA NE'NYO
BYONA BIWUMULA BYE'BAKA OTULO.....

Akayimba ako olusi ogenda okukamaliliza nga omuto otulo twajeeyo dda.

==========

Re:EMPIZA ENUNGI
Posted by prettyd - 2008/08/21 19:48

Bennita munange gyetuli eno naffe olunaku lutambudde bukwaku ate olulwo?
 wabula Bennita onzijukizza ako ka song!
kanjagalize abagenda okugalangatanya ebiwanga mungalo ekiro ekirungi n'abo abakyali mu makya oba abakazuukuka olunnaku olujjude essanyu!
Akuume God!

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/22 09:23

Abemikwano mu connect kansubile nti mwasiibye mulaala, era kambagalize akasenda bazaana akalungi..ateno namwe abali mu matta nsejere ebiroto ebilungi.
Waliwo kyenalabye ekyampadde olwebuza, mu mawanga agamu agali mu maserengeta ngo'lukaku America, abaana abalenzi bafukamila nga balamusa bakadde babwe nadala abakadde abakazi,, ateno bwengamba abaana sitegeza baana bato wabula abaami basemaka....
GWE OMWANA OMULENZI OMENYA KU MAVI NGA OLAMUSA MAAMA?

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/08/25 08:01

Abemikwano mu connect mwasuze mutya eyo, oba kale musibye mutyano mwebale kuyita mu weekend. Kansubire nti mwagiyisemu mirembe era namwe abafunidemu obuzibu omukama abagumye. kale mugire muve mukussika ebikunta nga mubyongera ku mutwe muzukule tugende tukole anti akajja obumaku.....
Mbagaliza week enungi

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by JeenaJulia - 2008/09/03 19:41

Bennitah what has happened..have you now learnt empisa embi?Komawo bambi,bakukwekula dda manya akagoba wakawangula.Ani amulabyeko oohh..ani amulabyeko leero afune crowns (kronor).

==========

Re: EKISIIBO EKILUNGI

Posted by Alysha - 2008/09/03 20:09

Njagade njagalizze banaffe abasilamu omwezi ogwekiibo omulungi nadala abo abali ku family ya Connect Uganda. Tubagara nnyo naye temutulyanga ko pilawo ku idi Day.

==========

Re: EKISIIBO EKILUNGI

Posted by jameerah - 2008/09/04 10:49

Alysha wrote:
Njagade njagalizze banaffe abasilamu omwezi ogwekiibo omulungi nadala abo abali ku family ya Connect Uganda. Tubagara nnyo naye temutulyanga ko pilawo ku idi Day.
Webale nyo Alysha era nze nkuyise ku Eid, ojja owagadde olubuto:laugh: :laugh:
kubanga mbu ojja kulya osibeko ne mundagala!:laugh: Engeri gyomanyi nokubiibya kansuubire omanyi nokuzikira!:cheer: anti awo ojakuba owomingira mmere:silly:

==========

Re: EKISIIBO EKILUNGI

Posted by rambuka - 2008/09/04 14:04

ekisiibo ekilungi eri abasibba bonna.Allah-----abawe byonna bye mumusaba

==========

Re:EMPISA ENUNGI

Posted by bennita - 2008/09/08 09:02

JeenaJulia wrote:
Bennitah what has happened..have you now learnt empisa embi?Komawo bambi,bakukwekula dda manya akagoba wakawangula.Ani amulabyeko oohh..ani amulabyeko leero afune crowns (kronor).

Abe mikwano mu connect nga bulijo mukirize mbabuzeko nti buladde ? Ekiro kyabalimbye kyi ? kale namwe bali mu matta nsejere ebirotto ebirungi dala..

oohh ssenga sinaba kuyiga mpisa mbi naye oluusi obusobozi obutuka kumukutu mba sibulina. Naye omutima, omwoyo byo biba bituuka.

==========

Re:EMPISA ENUNGI

Posted by jameerah - 2008/09/09 13:26

Bennita buuza oyo Alysa lwaki talekera awo kuzina, ye buli kaseera aba azina talekera awo. Oba takoowa?! Nze ngezezzaako aokuzina nga ye naye bigaanyi, anti nkoye mangu era jjajja wange nangamba mbu simpisa nnungi kwezinya zinya:laugh: B) B)
Jjajja wange mubuuziza mbu lwaki Alysha ye afuna okuzina buli kiseera nanziramu mbu anti konnekiti yo yajja yajja emiziki mika Alysa kyava talekera awo kuzina!:P

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/09/10 08:54

---

jameerah wrote:
Bennita buuza oyo Alysa lwaki talekera awo kuzina, ye buli kaseera aba azina talekera awo. Oba takoowa?! Nze ngezezzaako aokuzina nga ye naye bigaanyi, anti nkoye mangu era jjajja wange nangamba mbu simpisa nnungi kwezinya zinya:laugh: B) B)
Jjajja wange mubuuziza mbu lwaki Alysha ye afuna okuzina buli kiseera nanziramu mbu anti konnekiti yo yajja yajja emiziki mika Alysa kyava talekera awo kuzina!:P

Abe mikwano mu connect mbalamusiza era ne mbebaza jonna jemutusaako engalo. Kansubire nti ekiro mwakiyiseemu bulungi ateno mwe abali mu kawozza masigga, mwe ebiwanga mugira mukyagangatanya.

Baba Jameerah okubiibya sikibi nakamu, nadala nga wobiibiza wewalina okubibizibwa, nga kati omwana muwala oyo Alysha bwatuuka ku connect emizziki ne gimurinya ku bwongo tasobola butatandikirawo ku biibya ate era bambi olwobukka bwendongo ya connect.... lock emusigalamu ate nga era omuntu jakoma okubiibya jakoma obutakowa. Kati tandika okubiibya nawe paka olwonalekera awo okukoowa..... Eyo kyalengi yo.

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by jameerah - 2008/09/10 13:21

Bennita nze gwolaba nakugambye mbu nagezaako nebinema ate ekirala ndi mugongo mukalubo so eyo kyalengi ennemye naye mpozzi kansigale kubira mwana muwala oyo mungalo :) :) :) :)

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by Alysha - 2008/09/10 14:22

Bange Ensula ne'siiba? Eno bukedde bulungu era emilimu tukakalabya, naye nina ekibuzo kimu nti Eyo embiibya mbi ? Mukama ayongele okubakuma Week enungi. jameerah wrote:
Bennita nze gwolaba nakugambye mbu nagezaako nebinema ate ekirala ndi mugongo mukalubo so eyo kyalengi ennemye naye mpozzi kansigale kubira mwana muwala oyo mungalo :) :) :) :)

==========

Re:EMPISA ENUNGI
Posted by bennita - 2008/09/16 12:29

Abe mikwano mu connect kansubire nti Eradde. Wano obudde bwakinyika ggobe naye no wade nga bwa kidede, ekirre kye nkuba tetunakikubako kya mulubaale. Ye abange olunaku kugenda lutya? Mweno bendaba awo abali ku ka breakfast kabawomere.

==========

Re: Happy Idd Day
Posted by Alysha - 2008/09/29 19:03

Eri Banaffe abasilamu, tubakulisa ekisiibo era mukyo ne tubagaliza Idi eyomulembe.
Allah abakwatireko kubuli bye musabye mukisiibo bitukilire.
Katusumbire nti obuntubulamu bwemubade nabwo bunagenda mumaso.
Naye nage ka pilawo kampomera Jameerah munange tonelabira!!.:cheer: :cheer:

==========

Re: Happy Idi Day
Posted by rambuka - 2008/09/30 02:04

---

thanks ALYSHA-------I WILL ALSO LIKE TO WISH ALL A GOOD IDDI----AND MAY ALLAH KEEP US IN GOOD HEALTH AND CONTINUE TO LISTEN TO CONNECTUGANDA.COM

==========

Re: Happy Idi Day
Posted by JeenaJulia - 2008/09/30 08:18

Happy Idd to all our muslim brothers and sisters..kapilaawo temukatulyako fedex ne dhl zikola bulungi nyoo ate nga ne posta egezako wadde nga yo olusi etusa bigaze.We wish you all a happy day mubeewo banaffe.
http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/meccamadinae.gif

==========